# Ebiragalalagala n'ettamiiro bimalawo abaana b'abagagga


Abavubuka abakozesa ebiragalalagala nga bali mu kubudaabudibwa.

Bya TEOPISTA NAKAMYA

ABAGAGGA n'abakungu mu Gavumenti basattira lwa baana baabwe abayitiridde okukozesa ebiragalalagala ebibaviiriddeko okusindikibwa mu ddwaaliro e Butabika okulaba nga badda mu mbeera.

Abakungu okuli ababaka ba Palamenti, baminisita, bakaminsona n'abagagga abalala bangi abaana baabwe bali Butabika gye babajjanjabira olw'okukozesa ebiragalalagala.

Lipooti ku biragalalagala eyafulumiziddwa gye buvuddeko yalaze engeri abaana b'abagagga bwe baggwaawo olw'okukozesa ebiragalalagala. Abaana abasinze okukosebwa beebo abali wakati w'emyaka 12-17 ssaako abavubuka abali wakati w'emyaka 18- 35.

Embeera eno ereetedde eddwaaliro ekkulu ery'e Butabika erijjanjaba abalwadde b'emitwe okujjula ne libooga olw'abaana ng'abasinga baba bakyasoma abatwalibwayo oluvannyuma lw'okukozesa ebiragalagala.

Bw'otuuka e Butabika waliwo ekifo eky'enjawulo ekya 'private' nga eno abaana b'abagagga gye basinga okubateeka ne bajjanjabibwa.

Ku woodi eno gy'osanga emmotoka ensajja nga zisimbye ng'olwo abazadde bazze okulambula abaana baabwe ababa bajjanjabirwa mu kifo kino.

Ku woodi eno eya 'private', osasula 250,000/- buli lunaku, olwo wiiki ne ziba 1, 750,000/- ate omwezi ne ziba 7,000,000/-.

Ku ssente zino kwe kuli ez'okulaba abasawo ab'enjawulo okuli ab'obwongo, ababudaabuda abantu n'abalala.

Ng'oggyeeko woodi eno eya 'private' essulwa obuwanana, waliwo n'ebifo mu woodi y'olukale w'osasula mu kasenge nga buli wiiki osasula 300,000/-, olwo omwezi ne ziba 1,200,000/-!

Akulira okubudaabuda abaana mu makomera Milton Tiyo bwe yabadde mu kutongoza lipooti y'obuzzi bw'emisango mu bavubuka n'abaana okuva 2017 okutuusa 2024, ku Protea mu Kampala, yategeezezza nti, abavubuka abali wakati w'emyaka 18 ne 35 be bakyasinze okukozesa ebiragala.

Yagambye nti abavubuka 44,000 be baggaliddwa mu makomera ku misango egyekuusa n'okukozesa ebiragalalagala nga ku bo 2,200 bawala.

Abakyasinze okukozesa ebiragala yagambye nti si baana b'abanaku oba bamufunampola, wabula ab'abakungu n'abagagga lwa nsonga nti balina obusobozi obubigula.

## ENGERI GYE BAFUNAMU EBIRAGALALAGALA

Okunoonyereza kulaga nti abaana emize gino oluusi bagiyigira ku masomero ne ku mikwano gyabwe.

Amasomero agamu naddala agalina abayizi abasoma nga bava waka abamu bakwatagana n'abatunda ebiragalalagla ne babiyingiza mu masomero.

Abayizi abamu balina endowooza nti bwe bakozesa ebiragalalagala bino bibayamba okusoma ennyo nga tebakoowa ssaako okuwagala obwongo bwabwe ne basaza kimu.

Waliwo n'abayingiza ebiragalalagala mu masomero nga babiyisa mu byokulya naddala bisikwiti, obundaazi ne cookies. Olw'embeera eno, amasomero agamu gaatuuka n'okuwera ebyokulya ebimu okusobola okutangira ebiragalalagala okuyingizibwa mu masomero.

Ebiragalalagla ebirala babisaasaanyiza ku bubaga bw'abayizi naddala obutegekebwa nga temuli Mukono gwa ssomero wadde abazadde.

## OMUKUGU ALABUDDE ABAZADDE

Omukugu mu kubudaabuda abaana okuva mu kitongole kya Heart to Heart Initiative e Kagoma, Dr. Sarah Kwagala Kasozi yalabudde abazadde ku ngeri gye basaanye okukuumamu abaana baabwe mu luwummula luno obuteenyigira mu mize ginaabalemesa misomo.

Yategeezezza nti, abazadde bangi naddala bamaama be beekuliza abaana baabwe (single mothers) kyokka abasinga tebalina budde bwa baana kuba baba banoonya ssente. Wabula Kwagala agamba nti omuzadde yenna ateekwa okusala amagezi obutalekerera baana be nga bakula.

## Ebika by'ebiragalalagala ebikozesebwa abayizi

Ng'oggyeeko enjaga ey'ebikoola oba emanyiddwa nga emisokoto, waliwo ebika by'ebiragalalagala bye bakozesa. Muno mulimu;

- Heroin; Bino babikuba mu misuwa.
- Cocaine; Eno ebeera ya buwunga era banuusa nnuuse ng'okozesa akaseke. Omwana akozesezza ebiragalalagala eby'engeri eno osobola kumulabira ku kusiimuula nnyindo buli kiseera, nga kino kiva ku ngri ebiragalalagala by'akozesezza bwe bimusonsomola.
- Methamphetamines era emanyidda nga ka ice; eno nayo ekubibwa mu misuwa, wabula y'emu ku zisinga ebbeeyi n'okuba ey'obulabe.
- Ebika by'ebiragalalagla kuliko; Pethidime, Entonox, Fentanyl, Morphine, Ecstacy ssaako n'eyitibwa kachai.
- Waliwo n'abamira amakerenda agawonya obulumi mu ngeri ya 'overdose' era bw'atandika okugakozesa kiba kizibu okugavaako.
- Abalala bakozesa ddagala ly'ebisolo, ate abamu bagaaya pasikalamu!
- Waliwo ababinywera mu Sisha, ate abalala bakozesa cocaine syrup.

Ann Ssebunnya munnamawulire era ng'alina ekibiina ekirwanyisa ebiragalalagala ekya Drugs Hapana yagambye nti ebiragalalagala ebimu babitabula mu mwenge olwo ne babiwa abaana nga tebamanyi naddala ku bubaga ne mu bbaala.

Ssebunnya annyonnyola nti ekika kya Ice kifuuse ekizibu ennyo naddala mu baana b'amasomero nga abasinga okubikozesa bagamba nti ebayamba okusaza ekimu.

"Mu luwummula luno, omwana muyigirize nnyo eddiini n'okumulambika ku bw'asaanye okweyisa era bw'oba osobola mutwaleko mu bannaddiini boogereko naye," Kwagala bw'agamba.

Ensonga endala enkulu ye y'okumanya mikwano gy'abaana bo kikuyambe okumutangira abakyamu oba okubalung'amya ku nneeyisa.

Okubeera ekyokulabirako; okugeza, omuzadde bw'oba onnywera enjaga mu baana oba omwenge ng bakulaba, kimanye n'abaana enkya kye bagenda okukola.

Omwana mufuule mukwano gwo. Kino kigenda kutondawo enkolagana ennungi wakati wammwe kubanga ajja kuba asobola okukweyabiza ku mikwano gye ne kye bateekateeka okukola, okusinga okukukuta.

Enkolagana ennungi ne bamuliraanwa; Kino kikuyamba okumanya ebigenda mu maaso ne bw'oba toli waka.

Omuzadde bw'oba tolina budde bwa mwana mu luwummula luno waakiri funa omuntu gwe weesiga omutwale eyo kubanga bw'omuleka awaka nga toliiwo, kyangu okuyingirira emize omuli n'okukozesa ebirlalalagala n'ebitamiiza.

Ekirala nga tonnawa mwana wo ddembe kwetaaya nga bw'ayagala sooka omusome embeera omutegeere kubanga abazadde abamu bawa abaana eddembe n'ataayaaya ekyalo kyonna.

Mu kiseera kino eky'oluwummula oluwanvu, omuzadde olina ebintu by'oteekeddwa okussaako essira okulaba ng'abaana tebeenyigira ku mize nga kukozesa biragalalagala.

Okugeza, abazadde abasinga bamanyi njaga naddala ey'emisokoto ewunya, so nga waliwo ebika bingi.

Omwana bw'olaba ng'alina engeri gye yeeyisaamu, okugeza nga acamuse nnyo oba ng'asirise nnyo, tokireka awo, gezaako okunoonyereza, yandiba ng'akozesa ebiragalalagala.

Genderera ebifo omwana gy'agenda. Obubaga obumu obutegekebwa batundayo ebiragalalagala.

Kikulu okwogera n'omwana ku bulabe obuli mu kukozesa ebiragalalagala.

## EBIRAGALALAGALA BYONGERA OBUZZI BW'EMISANGO

Akulira ekitongole kya Uganda Youth Development Link, Dr. Rogers Kasirye yagambye mu kunoonyereza kwe bakoze nga beeyambisa lipooti ez'enjawulo bazudde nga emisango egyekuusa ku kukabasaanya abaana n'abakazi egisoba mu 5000 gye giwaabibwa buli mwaka ne giddirirwa ebiragalalagla n'obubbi.

## Abantu bye bagamba


**Samuel Mateega; Ensonga eyo eva ku kukuża baana n'ekyejo ate n'obudde bwe babeera n'abazadde buba butono. Abaavu abatera okubeera n'abaana baabwe ne bamanya buli ekigenda mu maaso.**


**Mike Katongole; Okozesa ebiragalalagala kiva ku butayagala kubuulirirwa kubanga bo bamanyi balina ssente era buli kimu baamalayo, balowooza ensi yaabwe kubanga amanya ne bw'alwala bajja kumujjanjaba.**


**Godwin Ssebaggala; Abaana balina emize gye bafuna oluusi ku masomero eyo nga ebiguluupu naddala nga mulimu omukulu abasingako n'ajja abayingizaamu endowooza eyo ne batandika okunywa ebiragalalagala.**